OBUTANDISI BW'EMIRIMU

Lwaki twalondawo akatabo kano?

Ekigendererwa kyakatabo kano kwekuyamba omuntu okufuna obukugu mu mirimu gye ate nemberaze ebimusobozesa okukola obulimu obutonotono ate natuuka ku buwanguzi.

1) ANI AYITIBWA OMUTANDISI W'EMIRIMU?

Omutandisi w'emirimu yoyo alina obusobozi bwokulaba emikisa gy'obuwanguzi n'okukungaanya ebikozesebwa ebyetagisa nga (sente, abakozi, amawulire nebirala) okusobola okuganyulwa mu mikisa egyo.

2) EBISANYIZO BY'OMUTANDISI W'EMIRIMU

Nga omutandisi w'emirimu oteekwa okuba nabino:

- Omuvumu ate okiriza okolera nemubuzibu
- Byoyagala okuttukako bulijjo byebirina okulaga ekyokukola okusobola okufunamu.
- Taba mutitiizi
- Awa obukulembeze abantu abenjawulo mu bulingeri
- Atunula/alengera ebisera bye ebyomumaaso.
- Ateekwa okukyuka bulijjo, okudiriza kunkolaye okusinzira kumbeera y'obutale bweby'amaguzi oba obuwereza.

3) OSOBOLA OTYA OKUFUKA OMUTANDISI W'EMIRIMU?

Obutandisi bwemirimu bulungamizibwa obusobozi bw'omuntu nga akozesa ebyo ebiriwo okufunamu amagoba era ngalina ekitangala okusobola okutandika nokukozesa emikisa egimwetooloode okwongereza kubiriwo.

Okubeera omutandisi w'emirimu wetaaga bino:

- Gwe wenyini okwekiririzamu nti osobola okukola n'okutuukiriza
- Osalawo nga wesigama ku nteekateeka ennungamu
- Okiriza obuvunanyizibwa nebwewabawo okugotaana/ ebisobye
- Okufuba okwemanya, buli muntu abeera n'obunafu ate namanyi nawe manya bw'oyimiridde.

Kino kijja kuyamba okufuna mu manyigo ate n'okulwanyisa awanafuye.

- Kakatira ku wolaba obusobozi. Tokitwala nga ekitali kikulu okusinga obunafubwo.
- Kiriza okulemererwa nga ekyokuyiga.
- Omulimu gwo gutunulize emitawana egitali gyamanyi nyo singa okiriza nti osobola okujjamu obuwanguzi
- Singa okoledde mu mitawana/obuzibu ojja kwenyumiriza mu kusoomozebwa okwo.
- Kola nga osinzira ku kiruubirirwa – ki kyoyagala nga oyita mu mulimu gwo? Kuzimba nju? Kutandikawo kaduuka mu kabuga kamwe?
- Ssa essira ku byosobola okukola obulungi era wenyigire mu bikolebwa ebyomugaso kulwekyo kyoyagala.
- Ebiseera byo bikozese bulungi ate ebisinga bikozese okuteekateeka.

- Kakasa ebyo byosobola okutuukiriza era bera ne bisubirwa ebinyonyole.
- Fuba okulaba obeera nga abo abatuuse kubuwanguzi bomanyi. Zuula ki ekyabatuusa ku buwanguzi bwebaliko nawe okirozese singa osobola.

4) OBUKUGU OBWETAAGISA OMUTANDISI WEMIRIMU

Olwokunyonyola amakulu nomugaso gw'obukugu mu mirimu, tujja kukozesa ekyokulabirako kye ggaali. Erina abitundu ebigituuza ku ttaka, bigitambuza. Enziga ey'omumaaso neyemabega. Eyomumaaso egerageranyizibwa ku bukugu bw'omuntu ate eyemabega ku bukugu obusome.

ENZIGA EYOMUMAASO/ OBUKUGU BW'OMUNTU

- Eno y'enkata nendagiriro eyomumaaso yesigamiziddwa ku bino:
- Engeri omuntu gyakikiriddwa mu mulimu, olabika otya mu bantu? Wetesetese, onyirira oba nedda?
- Obukugu mu nkolagana nabantu. Okolagana otya n'abantu ababulijjo? Muno mulimu abaguzi bo naabo bosubira okukugulako nga okolaganye nabo obulungi.
- Obukugu bw'okukaanya mu mirimu. Osobola okukozesa obukodyo n'okiriziganya nabalala ku lw'obulungi bwo.
- Obukugu mu mpuliziganya, - oli mulambulukufu era osobola okumatiza oba bowereza oba abakuwa ebyokukozesa nabantu ababulijjo?
- Ebifulumizibwa byetaaga okunyonyola obulungi olyoke omatize abo abanabigula.
- Obukugu buno bukozesebwa okuwa endagiriro ate n'okutambuza n'okuvuga omulimu gwo mu kubo nga bwewetaaga nga era enziga yeggali eyomumaaso.

ENZIGA EYEMABEGA

Enziga eyamabega eyamba okuwa amanyi okugenda mu maaso ate esobozesa avuga okwetikka omuntu, oba ebintu ku kaliya. Munkola yemirimu kino kikirizibwa obukugu buno.

- Enkuma yebitabo (Laba mukatabo (BITM 7) okunyonyola.
- Amakubo g'okutereka ensimbi.
- Enkozesa y'esimbi okusobola okufuna amagoba.
- Obukugu mu kunoonya obutale (BITM 5 okunyonyola):

Obukugu buno bwona bwesigamiziddwa ku misingi gwansi yonna era bwamugaso nga enziga yegaali eyemabega kubanga bwongera amanyi omulimu okusobola okweyongera okutambula obulingi.

OBUKUGU MU KUTEGEKA EBIRUBIRIRWA EBINYONYOLE

Ebirubirirwa ebinyonyole biba byamugaso nyo olwokutuuka ku buwangizi bwomulimu gwo.

Okusobola okuyambibwako okuvayo n'ebirubirirwa ebinyonyole weyambise na etaano (N's) ezomugaso enyo.

1. NZE ANI?

Wano wetegereze obukugubwo, obusobozi, obwobuntu bwo nebirala ebikukwatako.

2. Njagala ki?

Kiki kyoyagala okufuna okuva mu mulimu gwo? Kiyinza okuba nenfuna eteyugayuga okusobola okuzimba enju.

3. Nakola ki okufuna kyenjagala?

Wano wetaaga okukola enteekateeka eraga engeri gy'onotuuka ku kyolubirira, okugeza nga kinamalawo ssente meka okuzimba enju? Wetaaga kutereka ssente meka okuva ku magoba go agabuli mwezi okusobola okutukiriza. Entegeka ejja kuyamba okusobola okumanya ebiyinza okulemesa kyolubirira.

4. Nakola naani?

Ani anakola ki okusobola okutuukiriza kyenjagala. Okugeza ani anakuuma n'okuwandiika ebitabo okusobola okukebera enyingiza, ensasaanya namagoba agabuli lunaku? Ani anatereka oba okutwala ezikunganyiziddwa mu Banka.

5. Natuuka ddi ku kyenjagala?

Gerageranya ku budde. Tekyalibadde kiseera kimpi kubanga obudde bwe kitwala okukituukako, businzira ku ki kyoli (ebyuma, ssente) ebikozesebwa byolina.

OBUKUGU BWOKUKEBERA AMANYI, OBUNAFU N'EMIKISA WAMU N'EBYEKANGO

AMANYI: Noonya wolina enkondo enywevu. Ki kyosinga okukola obulungi? Okugeza oyinza okuba nga omanyi bulungi okwogeraganya nabantu oba abaguzi nebamatira.

OBUNAFU: Okugeza oyinza obutaba mukuumi wabitabo mulungi.

OMIKISA: Mikisa ki egikwetoolodde okusobola okuyambibwa okuwangula. Okugeza essomero liyinza okuzimbibwa okumpi nedduuka ekitegeza okweyongera kwabaguzi.

EBYEKANGO: Ebyokulabirako olutalo, Musisi, embeera yobude embi eri abalimi nabalunzi nebirala.

ENDOWOOZA YOKUYIYA

Ensi gyetulimu yankyukakyuka era nabaguzi, obutale ne mirimu. Ekitegeeza omutandisi wemirimu alina okulowooza buli lunaku engeri empya eyokukolamu emirimu olwokusobola okumatiza abaguzi be nokukuma enyingizaye nga teyugayuga.